# Bw'oyamba omwana ow'ettutumu ku mutimbagano obutafuna buzibu

Bya EMMANUEL SSEKAGGO



KU mulembe guno ogwa tekinologiya, omutimbagano n'emikutu emigattabantu, abazadde bangi bafuba okulaba ng'abaana baabwe bamanyika mu bantu (Bassereebu) era ne bateekawo ne kaweefube ow'enjawulo okulaba nga kino bakituukiriza.

Okutwaliza awamu, abaana bangi bafunye erinnya era ne bafuuka bassereebu nga bayita ku mutimbagano. Kyokka embeera eno ejja n'ebisoomooza ebiwerako omuzadde by'olina okutambulizaako eriiso.

Pulezidenti wa Mothers Union mu Buganda, Josephine Kasaato agamba nti : Omwana okufuuka ow'erinnya nga muto si kibi, kyokka ggwe muzadde we oba omuntu yenna amulabirira, olina obuvunaanyizibwa okumulambika okulaba nga tafuna buzibu naddala obw'oku mutumbagano.




Obumu ku bwo kuliko;

Asobola okutandika okuyisa amaaso mu baana banne ate n'abantu abakulu: Okusoomoozebwa okusooka omwana kw'asobola okufuna kwekuba nti, ebiseera ebimu, omwana bw'afuuka ssereebu nga muto, ate ettutumu lino lisobola okumufuula ow'amalala. Ekizibu kino kiyinza n'okugenda awalala n'atandika n'obutassa kitiibwa mu bantu abakulu.

1. Erinnya bwe liggwaawo asobola okwekyawa : Abaana abafuuse ab'amannya nga bato, oluusi balemererwa okugakuuma buli lwe bagenda nga bakula. Kati omwana eyali ow'erinnya bw'aggwaamu ng'enjogera y'ennaku zino bw'eri asobola okwekyawa ng'olwo yeeraba ng'atakyalina mugaso. Kino kitegeeza nti, ggwe alina omwana ow'erinnya olina okufuba okulaba ng'alikuuma nga bw'akula kyokka nga bw'ofuba n'okumulambika nti, ne bw'aliba takyalina bamugoberera ku mikutu gye emigattabantu era aliba akyali wa mugaso nnyo mu ggwanga.

2. Okukozesebwa ebintu ebitagya mu myaka gyabwe : Waliwo abazadde abatalina bukugu bumala ku biki bye balina okukozesa abaana baabwe abafuuse ab'amaanyi naddala ku mutimbagano, abamu naddala abayimbi babatwala mu bivvulu oba mu bbaala ekiro, ate abamu babakozesa, okubayimbisa oba okuboogeza ebigambo ebitasaanye ate ne babiteeka ku mutimbagano. Kale ggwe alina omwana ekika kino, fuba okulaba nga by'omukozesa okukuuma erinnya lye ku mutimbagano ate tebityoboola myaka gye.

3. Ennyambala n'enneeyisa esobola okubasuula mu mize emirala : Osobola okulaba omwana ow'emyaka 16 oba 17 naye ng'ennyambala, enviiri ne by'akola ng'olaba ng'omuntu omukulu okukkakkana ng'abasajja batandise okumutaataaganya nga bamuweereza obubaka ku mutimbagano obumusaba omukwano. Wano ggwe omuzadde olina okwogera n'omwana wo entakera nti, abasajja abo abeewale kubanga aba tanneetuuka ate nga basobola n'okusiiga endwadde omuli ne siriimu atawona.

4. Abantu basobola okumufunako obuggya : Omwana wo bw'afuuka ow'amaanyi ku mutimbagano, tolowooza nti, kisanyusa buli omu, abantu b'owangaala nabo abamu bayinza okufuna obuggya ku mwana wo nga bagamba nti, lwaki abaabwe si be bafuuse ekyo. Bano basobola n'okufuna abantu abakyamu ne bamwonoonera erinnya oba n'okukozesa tekinologiya okumuteekako ebifaananyi ebitali bibye ne bimulabisa ng'omugwenyufu era nga biyinza n'okumwonoonera ekitone kye.

Okusoomoozebwa okwo kwonna kwe tulabye, kulina kumalibwawo nga ggwe omuzadde alina omwana ow'erinnya omanyi eky'okukola, ng'omulambika ku ngeri gy'alina okweyisa, ennyambala, enjogera ye n'abantu omuli abamugoberera ku mutimbagano n'abo b'awangaala nabo, obutamutwala mu bifo ebityoboola eddembe lye ng'omwana n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo.